Free Copy

Uganda Revenue Authority

DEVELOPING UGANDA TOGETHER



# BYOLINA OKUMANYA NG'OMAZE OKWEWANDIISA

Vol.1 Issue 1 FY 2022/2023

## Sebo/Nyabo

## Omuwi w'omusolo,

Webale kwewandiisa n'ekitongole ekikunganya omusolo. Tukusubiza okufuna ekiseera ekirungi ng'otandiika olugendo lwo olw'okutukirizza obuvanyizibwabwo ku by'emisolo.

## Ekirubirirwa Kyaffe

Okubeera entabiro y'okusukuluma n'okuyiiya mu nzirukanya y'ebyemisolo

## Ekigendererwa kyaffe

Okutekawo embeera ereeta esannyu mu mperezza y'ebyemisolo n'okutumbula bizinesi

## Ebye nkizo bye tukiririzzamu

Obwangu | Obwesimbu | Enkolagana |Okusukuluma

## Ekisubizo eri omuwi w'omusolo

Tukusuubizza emperezza esinga mu byemisolo buliwantu, obudde bwonna ku beeyi esingayo okuba entono nga bwekisoboka.

## Yingira mu akawunta yo ku kibanja kya URA ekyomutimbagano

Kati nga bw'omazze okwewandiisa n'okufuna TIN yo, wetagga okuyingira mu akawunta yo ku kibanja kya URA ekyomutimbagano ng'ogoberara emitendera gino wamanga:

1. Genda ku mutimbagano gwa yintanenti ku kibanja kya URA ku https://ura.go.ug
2. Waggulu mu kkoona ku mukono ogwa ddyo, nyiga ku ka peesa akaliko "Login"
3. Tekamu TIN nga ID yo
4. Bweguba nga gwemulundi gwo ogusooka okuyingira mu akawunta yo, kebera email yo (gye wawayo nga wewandiisa okufuna TIN) ofune passiwadi gyokozesa omulundi

ogusooka
5. Kyusa passiwadi yo onyige aka peesa akaliko ‘submit’
6. Ddayo gyewasokedde ku kibanja kya URA oyingire mu akawunta yo ng’okozessa passiwadi empya

## Lwaki omuntu alina okuba n’akawunta ku mutimbagano gwa URA?

- Kiyambako okwogerezaganya ne URA mu kyama (passiwadi yo togigabana na muntu mulala)
- Ofuna obubaka obwembagirawo ku buli kimu ekiba kikoleddwa nga weyambisa TIN yo.
- Okuwayo enyanjula eraga enyingiza ne nsasanya
- Okugoberera ebikwatagana ku buli kimu ekiba kisasuddwa
- Okutekayo okuwakanya n’okujulira ebisaliddwawo
- Okukyusa kyusa ebikwatagana ku TIN yo
- Okukyusa emmotoka okudda mu maanya g’omuntu omulala
- Okufuna kaadi y’emottoka
- Okulonda ba agenti abatuyambako okukwasaganya ebyamaguzi byaffe ebiyingira n’okufuluma e ggwanga n’ebirala

## Eddembe no’buvunanyizibwa

| Eddembe lyo’muwi wo’musolo | Obuvunanyizibwa bwo’muwi wo’musolo |
|---|---|
| Eddembe ly’okutwalibwa ekyenkanyi n’okufuna obwenkanya mu mateeka | Okwewandiisa okwekyeyagalire ng’omuwi womusolo mukitongole ekikunganya omusolo |
| Amateeka g’omusolo n’ebigobererwa bijja kutekebwa mu nkola buli kiseera | Wayo enyanjula eraga enyingiza ne nsaasanya entuffu, ebikwata ku kubyamaguzi ebiyingira n’okufuluma eggwanga na buli kimu ekikwata ku musolo omulala gwona. |

| | |
|---|---|
| Ensonga zo zonna ezikwata ku byemisolo zijja kukwatibwa mubulambulukuffu awatali kyekubiira. | Sasula omusolo omutuufu, mubudde n'ekiffo ekituufu nga bwe kyetagisa mu mateeka |
| Omuwi w'omusolo ne ba agenti be bakutwalibwa nga bamazima/besimbu okutuusa nga bazuliddwa nti si besimbu | Beera wamazima/mwesimbu ng'okolagana ne kitongole e kyebimisolo |
| Ensonga zo ezikwatagana n'omusoloza zitwalibwa nga za kyama era nebiwandiko byoba owadde ekitongole kyebyemisolo bwakukozesebwa nga amateeka bwe galagira. | Ng'okwasaganya ensonga zo ez'omusolo, gwe ne ba agenti bo musubirwa okukolagana n'abakozi b'ekitongole kyebemisolo bokka |
| Gwe ne ba agenti bo mujja kuwebwa obubaka obutegerekeka mu bufunze ate mu budde | Laga/yanjula TIN yo buli lwoba okolagana ne kitongole ky'ebyemisolo. |
| Olina okusasula omusolo omutuufu buli kadde | Tewetaba mu nkola yonna eyokwewala okusasula omusolo oba enkola yonna endala emenya amateeka. |
| Ojja kufuna emperezza mu bukakamu n'obumanyirivu obudde bwona | Bwoba ng'oyingiza oba ng'ofulumya ebyamaguzi mu ggwanga, kozesa ba agenti abalina layisinsi okujjuzamu n'okuwayo ebikwata ku byamaguzi wamu n'emisoso egigenderako. |
| Ojja kufuna okuddibwamu okutuufu mu budde singa oba olina okwebuzza oba okwemulgunya kwona kwokoze | Lambulula mu bujjuvu era mu butuufu ebikwata ku bikolebwa mu businessi obudde bwona |

| | |
|---|---|
| Ojja kuwebwa ensonga kubuli kusalawo okuba kukoleddwa. | Tegeeza ekitongole kyebyemisolo singa oba wetaaga omutaputa, ebyetagisa nebigobererwa. |
| Ojja kumanyisibwa ku buli kyona kyoba olina okumanya mu byemisolo. | Wegendereze era ogoberere ebyakiriziganyizibwako ku kalantini eyatekebwawo ettabi lyekitongole ky'ebyemisolo erivunanyizibwa ku byamaguzi ebiyingira n'okufuluma eggwanga, ebimera n'ebisolo byomunsiko, ssente wammu nabasabaze |
| Okwemulugunya kwo ku byemisolo kwakukolebwako nga amateeka bwe galagira | Bwoba otambula, fuba okulaba nti ojjuzzaamu empapula zona ezetagisibwa mu butuufu bwazo nga tonatuuka gyolaga oba nga tonasimbula |
| Ojja kuwebwa ebyetagisa okusobola okutuukiriza eddembe lyo eryo kujjulira mu kitongole ky'ebimisolo saako ne mu kakkiiko aketongodde akajulirwamu ensonga z'ebyemisolo okusinzira ku mateeka nga bwegalambika. | Yanjula ebyamaguzi byo nga wakatukka era obiteketeke okusobola okukeberebwa |
| Singa kinaba kyetagisa okulambula ekifo kyo kyonna oba okwekenenya ebiwandiiko byo ebya bizinesi, ojja kutegezebwa ng'olunaku lw'okulambula oba olw'okwekenenyezako ebiwandiiko byo terunatuka | Yisa bulungi abakozi bekitongole kyebyemisolo mubwenkanya n'obukkakamu |

| | |
|---|---|
| Akawunta yo ey'omusolo ejja kuzzibwa bugya na buli musolo ogusasuliddwa | Tuukiriza obuvunayizibwa bwo bonna obukwatagana ne byemisolo |
| Tujja kukukuma ebiwandiiko byo ebikwata ku musolo nga bidizibwa bugya | |
| Singa wabawo omusolo ogwasasulwa nga gulina okuddizibwa omuwi w'omusolo, tujja ku kukikolako mu budde obulagirwa mu mateeka nga twesigama ku kkomo lyembalirira ya sente ezidizibwa abawi b'omusolo | |
| Tujja kukola ku nyanjula yo eyomusolo, nebiwandiiko ebirala ebikwata ku nsonga zo ezomusolo nga bwekirambikiddwa mu mateeka agenjawulo | |

## Okuwaayo enyanjula

Enyanjula mululimi olwangu kyekiwandiiko omuwi w'omusolo kyawayo eri ekitongole ky'ebyemisolo ekiraga enyingiza n'ensasaanya wamu n'omusolo ogulina okusasulibwa mu bbanga eggere.

Enyanjula etwaliramu bino wamanaga; enyanjula eraga ebikwatwa ku bizinessi (Business information return) ne nyanjula ekoleddwa oba ewereddwayo omuwi womusolo (self-assessment return).

Enyanjula erina okukolebwa ng'ennaku ezessalira tezinayiita nga bwe ziragiddwa wamanaga.

| Ekika Ky'omusolo | Enyanjula eyekiseera (provisional return) | Enyanjula eyenkomeredde (Final return) |
|---|---|---|
| Omusolo ku nyingiza y'omuntu ssekinoomu | Olunaku olusemba mu mwezi ogw'okussatu okuva ku ntandikwa y'omwaka gw'ebyensimbi omuwi w'omusolo gwakozessa. | Olunaku olusemba mu mwezi ogw'omukaaga oluvanyuma lw'enkomerero y'omwaka gw'ebyensimbi omuwi w'omusolo gwakozesa. |
| Omusolo ogusasulibwa abo abawebwa obuyinza okufuna obwananyi bwebintu ku lwabo abalina okubiganyurwamu (Trust income tax) | | |
| Omusolo ogusasulibwa omuntu ssekinoomu ng'alina bizinessi entonotono (etesussa ttunzi lya bukadde kikumi ataano (shs 150,000,000) mu mwaka ) | | |
| Omusolo ku nyingiza ya bizinessi ey'abantu ssekinoomu abegasse okukolera awamu | Olunaku olusemba mu mwezi ogw'omukaaga okuva ku ntandikwa y'omwaka gw'ebyensimbi omuwi w'omusolo gwakozessa. | Olunaku olusemba mu mwezi ogw'omukaaga oluvannyuma lwenkomerero y'omwaka gw'ebyensimbi omuwi w'omusolo gwakozessa. |
| Omusolo ku nyingiza y'ebitongole n'amakampuni | | |
| Omusolo ogusasulibwa ebitongole n'amakampuni agalina bizinessi entonotono (abalina ettunzi eritasusa bukadde kikkumi attano (shs 150,000,000) mu mwaka ) | | |

| | | |
|---|---|---|
| omusolo ogujibwa ku sente ezisasulwa abakozi oba abantu abakuwa ebyamaguzi | | Mu nnaku 15 ez'omwezi oguddirira. |
| Omusolo ogugyibwa ku ssente omukozi zafuna okuva mu kukozesebwa | | |
| Omusolo ogusasulibwa ku mpereza/ byamaguzi ebirambikiddwa ebyenjawulo nga bigyibwa okuva mumakolero gyebabikolera oba nga biyingizibwa mu ggwanga (Local Excise Duty) | | |

## Wetegereze

- Okuwayo enyanjulayo kulina okugobererwa n'okusasula omusulo oguba gulina okusasulibwa
- Okuwayo enyanjula ng'obudde buyise kyandikuviiramu okusasula engasi.
- Olunaku olwesarira olwokusasulirako omusolo era lwe lunaku olwesalira olwokuwayo enyanjula
- Amagoba gatekebwa ku musolo gwonna oguba gutasasuddwa mu budde

## Ezimu ku ngasi ezitekebwa ku butagoberera mateeka

Omuwi w'omusolo alemererwa okutukkirizza obuvunanyizibwa bwe aba azizza omusango era asassula engasi n'amagoba nga bwebiragiddwa wamanga.:

| Ekika ky'omusolo | Omusango | Engasi |
|---|---|---|
| **Omusolo ogusalibwa ku nyingizza** | Okulemererwa okwewandiisa | Kubisamu emirundi ebbiri omusolo ogulina okusasulibwa mu bbanga omuntu lweyalina okwewadisizza okutusa lweyewandiisa oba shs akakadde kamu (Shs1,000,000). |
| | Okulemerelwa okuwayo enyanjula mu nnaku ezessalira | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Ebitundu bibiri ku buli kikumi (2/100) ebyomusolo ogulina okusasulibwa nga tonagyako omusolo ogwasasulibwa edda oba<br>• Emitwalo abiri (Shs 200,000) |
| | Okulemererwa;<br>a) Okusasula omusolo (ogwe kiseera oba ogwenkomeredde);<br>b) Okusasula engasi<br>c) Okusasula omusolo gwewagya oba gwewalina okugya ku sente z'osasula abakozi oba abantu abakuwa ebyamaguzi mu nakku ezesaira | Amagoba ga bitundu bibbiri ku buli kikkumi (2/100) buli mwezi ku musolo oguba gutanasasulibwa okutusa nga gusasuliddwa |

| | | |
|---|---|---|
| | Okulemererwa okukuuma ebiwandiiko ebyetagisa. | Kubisaamu emirundi ebbiri omusolo ogulina okusasulibwa mw'eryo ebbanga |
| **Omusolo ogwanamulanda (VAT)** | Okulemererwa okwewandiisa | Kubissamu emirundi ebiri omusolo ogulina okusasulibwa mw'eryo ebbanga okuva ku lunaku omuntu lweyalina okwewandiisa okutuusa lweyewandiisa oba Kammissona Genero lwamuwandiisa |
| | Okulemererwa okuwayo enyanjula mu nnaku 15 ez'omwezi oguddirira | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Emitwalo abiri (Shs 200,000) oba;<br>• Amagoba ga bitundu bibiri ku buli kikkumi (2/100) buli mwezi enyanjula gwemala ngatewebwayo oba<br>• Amagoba ga buli mwezi gagatibwa ku musolo okubalibwa amagoba mu mwezi oguddako okutusa lwowayo enyanjula |

| | | |
|---|---|---|
| | Okulemererwa okusasula omusolo ng'ennaku ezessasira tezinayita | Amagoba ga bitundu bibiri ku buli kikumi (2/100) buli mwezi ku musolo ogutasasuliddwa mu budde oba, - Amagoba ga buli mwezi gagatibwa ku musolo okubalibwa amagoba mu mwezi oguddako okutusa omusolo lwegusasulibwa |
| | Okulemererwa okukuma ebiwandiiko ebyetegasiga buli mwezi | Kubissamu emirundi ebbiri omusolo ogulina okusasulibwa mw'eryo ebbanga |



| | | |
|---|---|---|
| **Omusolo ogusasulibwa ku mperezza/ byamaguzi ebirambikiddwa ebyenjawulo nga biggyibwa okuva mumakolero gyebabikolera oba nga biyingizibwa mu ggwanga (Excise duty)** | Okulemererwa okusaba okufuna layiisinsi | Engasi yenkana omusolo oguba gulina okusasulibwa mw'eryo ebbanga okutandiika ku lunaku lwewalina okusaba okufuna layisinsi okutusa lwatekemu okusaba kwe. |
| | Okulemererwa okuwayo enyanjula mu nnaku ezesalire | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Emitwalo abbiri (Shs 200,000) oba;<br>• Amagoba ga bitundu bibbiri ku buli kikkumi (2/100) buli mwezi enyanjula gwemala ngatewebwayo. Amagoba ga buli mwezi gagatibwa ku musolo okubalibwa amagoba mu mwezi oguddako okutusa lwowayo enyanjula |
| | Okulemererwa okusasula omusolo mu nnaku ezesalira | Amagoba ga bitundu bibiri ku buli kikumi (2/100) buli mwezi ku musolo ogutasasuliddwa mu budde. Amagoba ga buli mwezi gagatibwa ku musolo okubalibwa amagoba mu mwezi oguddako okutusa omusolo lwegusasulibwa |

| | | |
|---|---|---|
| | Okulemererwa okukuma ebiwandiiko ebyetegasiga | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Engasi yenkana omusolo oguba gulina okusasulibwa mw'eryo ebbanga oba<br>• Emitwalo abbiri (Shs 200,000) |
| **Tax sitampu** | Okulemererwa okuteeka sitampu ku byamaguzi | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Kubisaamu emirundi ebbiri omusolo ogulina okusasulibwa ku ebyo ebyamaguzi oba<br>• Obukadde ataano (Shs 50,000,000) |
| | Okuwandiika ebigambo ebirala oba okwonona sitampu | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Kubisaamu emirundi ebbiri omusolo ogulina okusasulibwa ku byamaguzi oba<br>• Obukadde abiri (Shs 20,000,000) |
| | Okusangibwa ne byamaguzi okutali sitampu | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Kubisaamu emirundi ebiri omusolo ogulina okusasulibwa ku ebyo ebyamaguzi oba<br>• Obukadde ataano (Shs 50,000,000) |

| | | |
|---|---|---|
| | Okugezako okufuna, okufuna oba okutunda sitampu nga tofunye lukusa okuva ew'akulira kitongole kyebyemisolo. | Ekisinga obunene ku bino:<br>• Kubisaamu emirundi ebiri omusolo ogulina okusasulibwa ku byamaguzi oba<br>• Obukadde kkumi (Shs 10,000,000) |
| | Okulemererwa okuwaayo ebiwandiiko byona ebiba bisabiddwa akulira ekitongole kyebyemisolo. | Obukadde ataano (Shs 50,000,000) |
| | Okuwayo ebiwandiiko oba okukola sitatimenti ezitali ntuufu oba ezibuzabuza. | Kubisaamu emirundi ebbiri omusolo oguba gweyongeddemu |

## Engereka y'omusolo

Omuwi w'omusolo bwalemererwa okuwayo enyanjula eraga omusolo ogulina okusasulibwa okusinzira ku biwandiiko bye ng'amateeka bwegalagira, ekitongole ky'ebyemisolo kijja kumugerekera omusolo ogulina okusasulibwa.

Amateeka galambika engereka y'omusolo eyemirundi egyenjawulo nga bwegiragiddwa wamanaga:

| Sn | Ekika kyengereka y'omusolo | Okunyonyola |
|---|---|---|
| 1. | **Engereka y'omusolo ekolebwa singa omuwi womusolo alemererwa okuwayo enyanjula ye** | Ekitongole ky'ebyemisolo kisobola okugereka omusolo singa omuwi w'omusolo alemererwa okuwayo enyajula eraga enfuna nensasanya. Kino kikolebwa singa wabawo obutakola magoba, nga omusolo ku byoguzze gusinga omusolo ku by'otunze obungi (mu VAT) oba singa waliwo omusolo ogulina okusasulibwa. |
| 2. | **Engereka y'omusolo ekolebwa singa obudde obulina okusasulirwamu omusolo buba tebunatuuka** | URA esobola okugereka omusolo ogulina okusasulibwa omuwi w'omusolo singa wabawo okwekengera nti omuwi w'omusolo asobola okulwawo, okuziyiza, okulemessa okusasula oba okukunganya omusolo oguba gutanatuka kusasulibwa. |
| 3. | **Engereka y'omusolo ekolebwa nga enyongereza kweyo eba yakolebbwa edda** | URA esobola okugereka omusolo omulala ngekyusa okuva kw'ogwo ogwali gwakerekebwa. Kino kisobola okukolebwa;<br>• Obudde bwona singa wabawo obukuusa/obulimba oba obutafaayo obwakolebwa omuwi w'omusolo oba ku lw'omuwi womusolo mubugenderevu.<br>• Singa wazulwayo ebiwandiiko ebipya ebikwata ku musolo ogulina okusasulibwa omuwi w'omusolo mw'eryo ebbanga. |

## Okuwakanya n'okujjulira ku biba bisaliddwawo

| Ensonga | Emisolo egisasulwa munda mu ggwanga | Obudde mwekirina okulebwamu |
|---|---|---|
| **Okuwakanya ebibba bisaliddwawo** | • Omuwi w'omusolo atamatidde na kusalawo kwona okuba kukoleddwa okugeza nga omusolo oguba gumugerekeddwa ayinza okujulira eri akulira Ekitongole kyebyemisolo.<br>• Okujjulira kulina okuba mu ngeri erambikiddwa era nga kulaga bulungi ensonga kwe kwesigamiziddwa.<br>• Walina okubawo obujulizi obumala<br>• Akulira ekitongole ky'ebyemisolo asobola okwongezayo obudde okujjulira mwe kulina okukolebwa singa wabawo ensonga emumatizza nti obudde bulina okwongezebwayo. | Mu nnaku 45 oluvanyuma lw'okufuna okusalawo okuba kukoleddwa. |

| | | |
|---|---|---|
| | • Akulira Ekitongole ky'ebyemisolo asobola okusalawo nakirizza okujulira okuba kukoleddwa mu bujjuvu oba mu bitundu nga akattiriza, akendeza, ayongeza, akyusa ekyali kisaliddwawo oba nagoba okujjulira okuba kukoleddwa.<br><br>Akulira ekitongole ky'ebyemisolo ajja kuwa omuwi w'omusolo ekiwandiiko ekiraga ebiba bisaliddwawo | Mu nnaku 90 oluvanyuma lw'okufuna okwemulugunya okuva ewomuwi w'omusolo.<br><br>**Wetegerezze.** Ekkomo ku budde obulina okukolebwamu okusalawo ku kuwakanya kw'omuwi w'omusolo ligibwawo singa okusalwo kuba kwetagisa okwekenenya ebiwandiiko era nga n'omuwi w'omusolo ategezeddwa |
| | Ssinga omuwi w'omusolo tafuna kuddibwamu ku kujulira kwe okuva ewa Kamissona Genero mu nnaku 90 okuva okujulira lwekwakolebwa, asobola okuwandiikira akulira ekitongole ky'ebyemisolo namutegeza nti atutte okujulira kwe okuba nti kwekusalawo kwa akulira URA | |

| | | |
|---|---|---|
| **Akakiiko k'ebyemisolo akajjulirwamu** | Omuwi w'omusolo atamattidde na kusalwo kw'akulira ekitongole ky'ebyemisolo ku kwemulugunya kwe asobola okusaba akakiiko k'ebyemisolo akajjulirwamu okuddamu okwekenenya ekiba kisaliddwawo | mu nnaku assatu (30) oluvanyuma lwokufuna okusalwo kwa akulira ekitongole kyebyemisolo |
| **Kooti enkulu** | • Omuntu atamatidde nakusalawo kwa kakiiko k'ebyemisolo akajjulirwamu asobola okusaba kooti enkulu yekenenye ensalawo ya kakiiko k'ebyemisolo akajjulirwamu.<br>• Okujulira mu kooti enkulu kukolebwa ng'otwala ekiwandiiko ekiraga okujjulira kwo ew'omuwandiisi wa kooti enkulu. | mu nnaku assatu (30) oluvanyuma lw'okufuna ensalawo y'akakiiko k'ebyemisolo akajjulirwamu. |
| **Gwekikakatako okulaga obukakafu** | Singa wabawo okuwakanya/okujulira kwona ku kusalawo okukoleddwa akulira ekitongole ky'ebyemisolo, kikakata ku muwi w'omusolo okuleeta obujulizi obulaga nti okusalawo okwakoleddwa kwabadde kukyamu. | |

## Endagiriro ya wasangibwa Yafeesi z'ekitongole ky'ebyemisolo-URA

| AMASEKKATI | | | |
|---|---|---|---|
| **Yafeesi** | **Ekika kyo-musolo** | **Yafeesi we-sangibwa** | **Essimu ya Yafeesi (+256)** |
| Ekitebe kya URA | Omusolo ogw'omun-da n'ogwa kasitomu | URA Tower, Puloti M 193/4 Naka-wa Industri-al Area, P.O. Box 7279, Kampala | 0323443610 |
| Yafeesi y'omwogezi w'ekitongole era ekwasaganya enkolagana n'abantu | Enkolagana n'abantu | Ku mwaliro ogwe kkumi n'omukaa-ga (16), ku kizimbye kya URA, URA Tower | 0417442054 |
| Ekitebbe ekikulu ekikola ku bidduka (HSO) | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Ekitebbe kya URA, Ku kizimbye kya NIP | 0323442142 |
| Ettabi lye Katwe | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Finance Trust Bank, Puloti namba 115 ne 121. | 0323444626 |
| William Street | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Vision house, em-abega wa Equatorial Mall okuli-rana Post Bank, Puloti 68/70 | 0323443260 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Ettabi lye Na-kivubo | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Diamond Trust Bank, Ham Shop-ping | 0323444636 |
| Entebbe | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Ku luguddo lwa Plot Gowers, oku-tununira-gana ne Entebbe Junior School | 0323443636 |
| Nateete | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Puloti 125; Nateete Birus Mall okulirana ewali poliisi empya | 0323448006 |
| Mityana | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Ku Kabuga ke Mityana | 0323445156 |
| Ettabi lye Bwaise | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Diamond Trust Bank, ku luguddo lwa Bombo | 0323444635 |
| Kampala Road | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Ku kizimbye kya Dia-mond Trust ekitunudde mu Cham Towers | 0323443609 |
| Mukono | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Mu Kabuga ke Mukono | 0323445221 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Nansana | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Mu Kibuga ke Nansana, ku lugud-do lwe Hoima, ku kizimbe kya Katonda ya bigera House | 0323448009 |
| Kyaliwajjala | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Martyrs Mall, Puloti 1667; Kya-liwajjala ku kkubo lya Namugon-go Kira | 0323448001 |
| Masaka | Omusolo ogw'omun-da n'ogwa kasitomu | Puloti 31, Ku luggudo oludda e Kampala mu kibuga kye Masaka | 0323444981 |
| **AMAMBUKA** | | | |
| Pakwach | Omusolo ogusa-sulibwa ku byamaguzi ebiyin-gizibwa mu ggwanga | Mu Kibuga ke Pakwach | 0772140958 |
| Nebbi | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Mu Kibuga ke Nebbi | 0323443814 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Koboko | Omusolo ogw'omunda mu ggwanga | Mu Kibuga ke Koboko | 0323445162 |
| Arua | Omusolo ogw'omunda n'ogwa kasitomu | Puloti 1, ku luguddo lwe Pakwach, Arua Hill, okutuniragana mu kisaawe kya Arua | 0323443506 |
| Kitgum | Omusolo ogwomunda mu ggwanga | Mu Kibuga ke Kitgum | 0323444825 |
| Moyo | Omusolo ogwomunda mu ggwanga | Mu Kibuga ke Moyo | 0323445177 |
| Padea | Omusolo ogusasulibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga | Padea (Kunsalosalo ya Uganda ne DRC) | 0772142441 |
| Elegu | Omusolo ogusasulibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga | Elegu (Kunsalosalo ya Uganda ne Sudan) | 0772593232 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Lira | Omusolo ogw'omunda mu ggwanga | Puloti namba 5-7, Citadel Towers, kumwaliro ogwokussatu, Obote Avenue, mumisipaali ye lira | 0323444890 |
| Gulu | Omusolo ogw'omunda mu ggwanga | Puloti 26, ku luguddo lwa Labwor, Gulu | 0323443751 |
| **BUKIIKA DDYO** | | | |
| Malaba | Omusolo ogusasulibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga | Malaba (nsalosalo ya Uganda ne Kenya) | 0772141106 |
| Busia | Omusolo ogw'omunda n'ogwa kasitomu | Busia (nsalosalo ya Uganda ne Kenya) | 0323443557 |
| Mbale | Omusolo ogw'omunda n'ogwa kasitomu | Puloti namba 1, Court road- ku kizimbe kya Oval Plaza | 0323444950 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Tororo | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Kibuga kye Tororo, ku luguddo lwa Kam-pala- Busia okutunuli-ragana ne Children's park | 0323445501 |
| Soroti | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Kibuga kye soroti, ku luguddo lwa Haridas okulirana ekizimbya kya Doc-tor's plaza | 0323445500 |
| Busitema | Omusolo ogusa-sulibwa ku byamaguzi ebiyin-gizibwa mu ggwanga | Busitema, Ku nku-lungo ye Malaba ne Busia | 0772142400 |
| Iganga | Omusolo ogw'omun-da n'ogwa kasitomu | Kibuga kye Iganga, ku luguddo lwa Jin-ja-Malaba okutunuli-ragana ne Posta Uganda | 0323443803 |
| Jinja | Omusolo ogw'omun-da n'ogwa kasitomu | Puloti 2A, Ku luguddo lwa spire mu kibuga kye Jinja | 0323443840 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Moroto | Omusolo ogwomunda mu ggwan-ga | Mu kibuga ke Moroto | 0323443756 |
| **BUKIIKA KKONO** | | | |
| Katuna | Omusolo ogusa-sulibwa ku byamaguzi ebiyin-gizibwa mu ggwanga | Katuna, Kunsalosalo ya Uganda ne Rwanda | 0323444783 |
| Mirama hills | Omusolo ogusa-sulibwa ku byamaguzi ebiyin-gizibwa mu ggwanga | Mirama, Kunsalosalo ya Uganda ne Rwanda | 0772140749 |
| Kabale | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Puloti 92, Ku luguddo lwe Mbarara ngotunud-de mu NSSF | 0323443940 |
| Bushenyi | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Mu kibuga kye Ishaka, ku luguddo lwa Kasese okulirana ettabi lya KIU | 0323443541 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Mutukula | Omusolo ogusasulibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga | Mutukula, ku nsalosalo ya Uganda ne Tanzania | 0772140389 |
| Fort portal | Omusolo ogw'omunda n'ogwa kasitomu | Puloti 1, ku luguddo oluyitibwa Ruhandika | 0323443720 |
| Mbarara | Omusolo ogw'omunda n'ogwa kasitomu | Puloti 3 B, Ku luguddo oluyitibwa Stanley | 0323445037 |
| Rukungiri | Omusolo ogw'omunda mu ggwanga | Mu kibuga kye Rukungiri | 0323445437 |
| Kyotera | Omusolo ogw'omunda mu ggwanga | Wotonava Building (ekizimbe okuli Letshego) Puloti 316 ku luguddo lwe | 0772141709 |
| Mpondwe | Omusolo ogusasulibwa ku byamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga | Mpondwe, ku Nsalosalo ya Uganda ne Congo | 0772141005 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Hoima | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Ku kizimbe ekiyitib-wa Kitara courts ekiri ku luguddo lwa Main Street | 0323443780 |
| Masindi | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Mu kibuga kye Masindi | 0323445012 |
| Kasese | Omusolo ogw'omunda mu ggwan-ga | Kukizimbe kya Finance ekitunud-de mu teacher's corner Ku lugguddo oluyitibwa Rwenzori | 0323444752 |

Bwoba olina kyewebuzza kyonna oba okuyambibwa kwewetaga;


- Kuba ku ssimu yaffe ettali yakusasulira: **0800217000 / 0800117000**
- Weereza obubaka bwa yintanenti obuwandiike ku: **services@ura.go.ug**

# Because of you

## Over 10.2 million pupils are enrolled for Universal Primary Education.

*Thank you for paying your taxes*

Follow us:



Uganda Revenue Authority
DEVELOPING UGANDA TOGETHER

Get your free TIN on
**www.ura.go.ug**